## BOOKEZZA ENNYUMBA E LUWEERO ABAANA NE BAKOSEBWA

ABANTU abettima, bateekedde ennyumba y'omutuuze omuliro ne gwokya abaana babiri ne batwalibwa mu ddwaaliro n'ebisago eby'amaanyi. Bibadde ku kyalo Nambele mu ggombolola y'e Kamira e Luweero. Abatuuze bateebereza nti enkaayana z'ettaka ezimaze ebbanga ze zivuddeko embeera eno. Poliisi ekutte abantu babiri bayambeko mu kunoonyereza ku kikolwa kino ekyettima era ng'ababiri abaalumiziddwa nabo, bali mu kufuna obujjanjabi mu ddwaaliro e Luweero. Omwogezi wa poliisi mu Savanna, Sam Twineamazima, agambye nti obulumbaganyi, bubaddewo nga ku ssaawa nga 7:00 ez'ekiro, nti era abaayokezza ennyumba baasoose kuyingira, bwe baamaze ne bagikumako omuliro.